# Ab'e Nakawa mu katale bakaaba kasasiro

BADRU MUGENYI




Isaac Moses Kasule n'abasuubuzi nga batikka kasasiro ku mmotoka.

Bya BADRU MUGENYI

EMBEERA ya kasasiro omungi ali mu katale k'e Nakawa ewalirizza abasuubuzi okwekwatiramu bayonje akatale kaabwe.

Akatale kano kasinga kutunda birime omuli lumonde, emboga, nnakati n'ebirala ebijja ne kasasiro, ekireetedde obukyafu okubeera obungi wadde ng'ebimotoka bya KCCA bigezaako okumuyoola.

Omusuubuzi, Susan Batte yagambye nti, kasasiro alwawo okutwalibwa ng'ekimotoka ekimutwala tekijja buli lunaku ate lwe kizze, balina okusasula wakati wa 1,000/- ne 2,000/-. Ssente oziwa muntu akutwalira kasasiro ku mmotoka ky'agamba nti kibakaluubiriza ate ne kasasiro n'abawunyirira.

Ekitongole kya Hygiene Consultants abakola omulimu gw'okuyonja nga bakulembeddwaamu Isaac Moses Kasule beegasse ku basuubuzi b'e Nakawa ne baleeta ekimotoka kyabwe ne kyegatta ku kya KCCA ne bayonja akatale akabadde kagegedde.

Kasule yagambye nti, baakwataganye n'abasuubuzi mu kuyonja kuba baagala abantu babeere mu kifo ekyeyagaza n'okubatangira okulwala. Baasomesezza abasuubuzi engeri gye basobola okwawulamu kasasiro avunda kw'oyo atavunda nga ebicupa, obuveera n'ebirala kyanguyize abamutwala.

Akulira akatale k'e Nakawa, John Isabiryе yagambye nti, abaleeta ebirime okuva mu byalo nga biriko kasasiro, baabagamba baddengayo naye.



**Maama Brian:** Abatulongoosezza bakoze bulungi kuba aba KCCA balwawo n'emmotoka yaabwe erwawo okujja.



**Reagan Nabaasa:** Aba hygiene beebale kutuyamba kutuyonjeza katale kaffe naye bandizzenga buli mwezi ate ne mu midaala batuuke.



**Sandrah Nampijja:** Ekizibu kye tusinga okuba nakyo kya mmotoka etwala kasasiro, erwawo okujja okumutwala.